Yiiya Ssente

# Gavumenti ezzeemu ebigoba abatundira

Bya KIZITO MUSOKE, RACHAEL NANKYA, MOSES KIGONGO NE EMMANUEL SSEKAGGO

GAVUMENTI erangiridde nga bw'ezzeemu okugoba abantu bonna abatundira ku nguudo n'ebifo ebitakkirizibwa mu mateeka nga waakayita ennaku ssatu zokka nga minisita omubeezi ow'ebyobusuubuzi, David Bahati ayimirizza ebikwekweto bya 'Trade Order'.

Eggulo baminisita okuli owa Gavumenti z'ebitundu, Raphael Magyezi, minisita wa Kampala, Hajjati Minsa Kabanda ne minisita omubeezi ow'okulung'amya eggwanga, Godfrey Kabyanga baasinzidde mu lukiiko lwa bannamawulire ku Uganda Media Centre ne balangirira nti ebikwekweto bigenda kuddamu.

Magyezi yagambye nti, olukiiko lwa Kabineeti olwatudde ku Mmande lwasazeewo ebikwekweto ku batundira ebyokulya n'ebyamaguzi ku nguudo n'ebifo byonna ebitali mu mateeka biddemu buto, kuba ebibala ebivudde mu bikwekweto buli omu abiraba.

Yagambye nti ebyali birangiriddwa minisita Bahati ku Lwokutaano ng'ayimiriza ebikwekweto bwe kyasaziddwaamu wadde nga waliwo abasumba b'amakanisa g'Abalokole nga bali wamu n'abasuubuzi abamu abaasisinkana omuwandiisi w'enkalakkalira owa minisitule ya Gavumenti z'ebitundu, Ben Kumumanya ne balaga okwemulugunya ku ngeri gye baali bakwatibwamu.

"Oluvannyuma lw'okuwuliriza okukaaba kw'abantu n'abakiise baabwe, tuyimirizza ebikwekweto byonna tumale okwebuuza ku buli akwatibwako n'okukakasa ng'abantu abava ku nguudo tulina we tugenda okubazza," Bahati bwe yategeeza mu Palamenti ku Lwokutaano.

Minisita Magyezi yagambye nti, Kabineeti yakkirizza okuwa obudde Ekkanisa zisobole okudda mu bifo ebituufu, kyokka kino tekikwata ku bizinensi yonna ndala.

Kyasaliddwaawo nti, mu kuddamu ebikwekweto balina okusooka okulabula abantu era bateekewo akakiiko ak'enjawulo mu minisitule ya Gavumenti z'ebitundu akakola ku nsonga z'abeemulugunya.

Gavumenti egenda kufunira abaagobwa ku nguudo ebifo mwe bakolera ng'okubateerawo obutale bwa buli wiiki, kasita ebifo binaabeera mu mbeera ennungi naddala eby'obuyonjo.

Abantu abaaweebwa ssente za PDM ez'okwekulaakulanya abagamba nti tebalina we bakolera, Magyezi yabasabye baleme kwekwasa kuba mu kuzibawa tebaabalagira nti, balina kukolera mu kifo kyonna kye basanze.

Abakwasisa amateeka balagiddwa obutayingizaamu bintu birala ng'okumenya amayumba g'abantu agakaddiye kuba tekyali mu "Trade order".

## KCCA eraze obuwanguzi obutuukiddwaako mu bikwekweto

Omwogezi wa KCCA, Daniel Muhumuza NuweAbine yagambye nti, okuva lwe baatandika ebikwekweto by'okugoba abatundira ku nguudo mu Kampala bakendeezezza omujjuzo gw'abantu n'ebidduka ku nguudo ogwali mu bitundu nga Kaleerwe, Ndeeba, Ntinda, Kibuye n'awalala.

Enguudo baziyoyoose nga basimbako ebimuli, omuddo n'emiti ng'olwa Namirembe road, Luwum Street.

Ebifo ebikalu KCCA bye yalina 2,520 ebiwera 1,663 babitutte nga mu kiseera kino basigazza 857. Waliwo ebifo ebyali bigabiddwa bannannyini byo abamaze emyezi esatu nga tebabikozesa bye bazzeemu okugaba. Okugeza mu katale e Busega balinamu ebifo 107 bye bagenda okuddamu okugaba.

Abasuubuzi abalina layisinsi ku ntandika y'ebikwekweto baali 15,671 kyokka mu kiseera kino bawera 22,909 era kiyambye Gavumenti okuyingiza obuwumbi butaano n'obukadde 70.

NuweAbine yawakanyizza ebyogerwa nga bwe balimu enkola y'okusosola nga bakwasisa amateeka n'agamba nti, we batatambudde bulungi be bavuzi ba bodaboda ne takisi, be yagambye nti, bakyayogerezeganya nabo. Ekiseera kyonna bagenda kulangirira entegeka empya ku bidduka.



Omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule ya Gavumenti ez'ebitundu, Ben Kumumanya, ng'ayogera mu lukiiko mwe baasisinkanidde abasuubuzi ku nsonga z'okubagoba mu bibuga.

## Aba KCCA basabiddwa okuteekamu ak'obuntu

Minisita wa Kampala n'emiriraano, Hajjati Minsa Kabanda yagambye nti, bukya batandika bikwekweto by'abatundira ku nguudo nga February 5, 2026 bateerezza ebyentambula, ebyobuyonjo n'obumenyi bw'amateeka bukendedde mu masekkati g'ekibuga.

Yalagidde ebikwekweto biddemu buto nga Kabineeti bwe yalagidde n'alabula abaneesisiggiriza nga bwe bajja okukwatibwa.

Abatannaba kufuna we bakolera, Kabanda yabawadde amagezi bagende ku City Hall mu ofiisi ya Dayirekita wa KCCA avunaanyizibwa ku kikula ky'abantu, abalage ebifo bye balina.

Kyokka yakyukidde abakwasisa amateeka n'abasaba okuteekamu ak'obuntu, beewale okweyambisa obukambwe obususse.

"Olaba ne bw'ebeera mbuzi, ogikwata bulungi naye ate muntu munno. Mubakwate bulungi nga mubalagira okuggyawo ebintu byabwe bulungi mu kifo ky'okuyiwa emmere yaabwe. Gavumenti yaffe si ya bamusibiramubbwa ng'abakwasisa amateeka abamu," Kabanda bwe yagambye.

Yalabudde abakunga abantu nga babalagira okudda ku nguudo nga bwe boolekedde okukwatibwa bavunaanibwe mu mbuga z'amateeka.

Yabikkudde ekyama nga Gavumenti bw'erina entegeka z'okuzimba obutale okuli; Gaba, Kira, Usafi ne Kitante era nga banoonya n'ettaka eddala aw'okuteeka abantu okusinziira ku kiragiro kya Pulezidenti Museveni.

## Abantu kye bagamba



**Abiace Mwesigwa : Nneebuuza abateekesa 'Trade order' mu nkola oba balina kye batambulirako kuba babadde baakagiyimiriza nga balaba kye bakola si kituufu ate bagizzizza.**



Rose Namiiro: Abateekesa enkola y'okutereeza ekibuga babeere bakkakamu nga baggya abatembeeyi we batalina kukolera baleme kubatuusaako bulabe.



**Benard Mugerwa : Bakola bubi okugoba abatembeeyi ku nguudo kubanga naffe aba boda be tuvuga ne batusasula bwe banaabagoba tunakola wa babaleka bakole.**



John Tugume: Eky'okutereeza ekibuga [illegible] naye bakitereeza batya, basooke batuwe we bagenda [illegible] nga bagobaganya.

## Abasuubuzi baakava mu nteeseganya ne gavumenti

Bino bizzeewo ng'abasuubuzi baakamala okuteeseganya ne gavumenti ku nsonga z'okuyimiriza ekikwekweto ekigoba n'okumenya emmaali y'abasuubuzi abakolera ku makubo mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo. Wabula ne minisita wa Kampala, Kabuye Kyofatogabye, yabadde ayisizza ebiragiro ebiwa Kampala Capital City Authority (KCCA) obuyinza okugenda mu maaso n'okukwata ssaako okumenya obuyumba bw'abantu bonna abakolera mu bifo ebitakkirizibwa mu mateeka mu Kampala n'emiriraano.

Bino byabadde mu kiwandiiko, Kyofatogabye kye yaweerezza akulira KCCA, Sharifah Buzeki n'abaserikale b'ekitongole kino ku Mmande emisana ng'abalagira okugenda mu maaso n'ebikwekweto ebigoba abantu bano ku nguudo z'omu kibuga Kampala wakati.

Mu bimu ku byabadde mu kiwandiiko kino kuliko: Eky'abaserikale ba KCCA ne poliisi okugenda mu maaso n'okumenya wamu n'okukwata abantu abakolera mu bifo ebitakkirizibwa mu mateeka, n'okulagira Buzeki obutasuula nnanga ku nsonga y'okunyweza ebituukiddwaako okuva ebikwekweto bino lwe byatandise. Muno mulimu; okukuuma omuddo n'ebimuli by'ekibuga nga binyirira bulungi, okumalawo akalippagano n'obumenyi bw'amatteeka, obuyonjo n'ebirala.

Mu birala ebyabadde mu kiwandiiko kino mulimu; eky'okulabula abakyakolera mu bifo ebitakkirizibwa nti, gavumenti tegenda kubattira ku liiso wamu n'okulung'amya abali emabega w'ebikwekweto bino okugoberera amateeka nga babiteeka mu nkola.

Kyofatogabye we yaviiriddeyo ng'ebibiina by'abasuubuzi ebyakulembeddwa ekya Federation of Uganda Traders' Association-FUTA, byakamala okusisinkana abakungu ba minisitule ya gavumenti z'ebitundu n'ey'ebyobusuubuzi ku Lwokuna ku makya ne bakkaanya ebikwekweto bino okugira nga biyimirira ensonga abasuubuzi ze beemulugunyizzaako zisooke zinoonyerezebweko, olwo baddemu